# Ebyobulimi n'emikisa egiri mu Bajeti esomwa leero

Bya KIZITO MUSOKE




OLWALEERO bajeti y'eggwanga ey'omwaka gw'ebyensimbi 2026/2027 lw'egenda okusomebwa ng'essira liteekeddwa ku kutumbula emirimu gya banneekolera gyange, okwongera ku bungi bw'ebintu ebitundibwa ebweru w'eggwanga, okutumbula ebyobulimi, ebyamakolero n'okutondawo emirimu.

Bajeti egenda kusomebwa minisita w'ebyensimbi ku mukolo ogugenda okubeera mu kisaawe ky'eggwanga e Kololo.

Omuwandiisi w'enkalakkalira owa minisitule y'ebyensimbi, Dr. Ramathan Ggoobi yagambye nti omulimu gw'okukola Bajeti egenda okusomwa gwatandika mu July wa 2025 n'okwebuuza ku bantu ab'enjawulo okuli; omukulembeze w'eggwanga, baminisita, ababaka ba Palamenti, Gavumenti z'ebitundu, ebibiina by'obwannakyewa, abakugu mu bintu ebyenjawulo n'abantu abalala bangi abakwatibwako.

Ssente Gavumenti z'egenda okusaasaanya ebitundu 85 ku 100 ziteereddwa ku byabulimi, ebyobulambuzi, ebyobugagga by'omu ttaka, ssaayansi ne tekinologiya olw'obukulu bwabyo mu nkulaakulana y'eggwanga.

## EBYOBULIMI BITEEREDDWAKO ESSIRA

Dr. Ggoobi yagambye nti ebyobulimi biweereddwa enkizo mu Bajeti ng'essira balitadde ku kutumbula eby'okunoonyereza, okwongera amaanyi mu balimisa, okufukirira ebirime awamu n'okwongera ku mutindo gw'ebirime.

Ekigendererwa kya Gavumenti kwe kulaba ng'abakugu abalimisa batuuka wansi mu bantu, baleme kutuula mu ofiisi, abalimi basobole okulima mu nnima ey'omulembe bave mu by'okukolerera olubuto.

Olwokuba nga ekigendererwa si kya kutunda bintu mu ggwanga mwokka, wabula n'akatale akali ebweru w'eggwanga balina okukakasa ng'ebintu byonna biri ku mutindo.

Ebyobulimi byaweereddwa obuwumbi 2,264 ng'amaanyi Gavumenti eyagala kugateeka ku kwongera ku bungi bw'abalimisa, ebyokukungula ebirime n'engeri gye bikwatibwamu, okunoonya obutale n'okwongera omutindo.

Omulimu gw'abalimisa ogw'okutuuka ku bantu gwaweereddwa obuwumbi 11 n'obukadde 930 kuba be balina okubabangula mu bukodyo obw'omulembe, abantu babeere n'emmere ebamala okulya n'okutundako.

Minisita w'ebyensimbi, Henry Musasizi agamba ssente z'abalimisa tezigenda kubeera mu Bajeti lumu, wabula zigenda kubeerangamu olubeerera kuba obwetaavu bwabwe si bwa kiseera wabula olubeerera.

Gye buvuddeko Pulezidenti Museveni bwe yabadde ayogerako eri eggwanga nga June 4, 2026 yagambye nti ebintu 4 bye bigenda okutambulirwako enkulaakulana eya nnamaddala okuli; ebyobulimi ebivaamu ssente, ebyamakolero, ebyobuweereza n'ebya tekinologiya.

Kyokka ekirina okukolebwa ku by'obulimi yagambye nti Uganda erina okwongera ku mutindo gw'ebintu ebirimibwa lw'ejja okufunamu awamu n'okugaziya akatale ebweru w'eggwanga.

Pulezidenti yasuubizza nga Gavumenti bw'egenda okwongera okugabira abalimi n'abasuubuzi abatono ssente z'okukola ng'eyita mu nkola nga eya Parish Development Model (PDM).

"Mu kiseera kino buli muluka gulina obukadde 557 era zimaze okutuuka ku maka obukadde busatu n'emitwalo 70. Tugenda kwongera okugaba obukadde obulala 100 n'obukadde obulala 15 obwabakulembeze buli mwaka mu buli muluka. Kyokka abali mu bibuga, buli muluka tugenda kubawa obukadde 300 tugatteko n'obukadde 15 ez'abakulembeze" Museveni bwe yategeezezza.

## EMIKISA EMIRALA EGIRI MU BAJETI

Enkola eziruubirira okugaggawaza abantu okuli; Parish Development Model yaweereddwa obuwumbi 1,084, Emyooga-obuwumbi 100, enteekateeka z'okukulaakulanya abavubuka awamu zaaweereddwa obuwumbi 2,500, enteekateeka y'okukakasa okutunda ebweru w'eggwanga (export guarantee scheme) -obuwumbi 180, enkola ya GROW-obuwumbi 75, Uganda Development Corporation- obuwumbi 454, Uganda Development Bank- obuwumbi 442, n'ebirala.


Abakozi mu fakitole ekamula juyisi okuva mu miyembe.

## EBIRALA EBIRI MU BAJETI

- Abakozi ababadde basasula omusolo gwa Pay as You Eary okutandikira ku 235,000/- baagulinnyisizza ng'abagenda okuguwa be bafuna 335,000/- n'okudda waggulu.
- Emisaala gy'abasomesa ba Arts gyalinnyisiddwa ebitundu 25 ku 100 nga baaweereddwa obuwumbi 554 nga kino kijja kukolebwa okumala emyaka ena.
- Okukola oluguudo lwa Kampala-Jinja Express way, Standard Gauge Railway, olw'eggaali y'omukka (Meter-Gauge Railway), okubunyisa amasannyalaze mu bifo by'amakolero n'amazzi byonna awamu biweereddwa obuwumbi 1,380.
- Abasuubuzi ababadde bakaaba olw'enkola y'okusasula omusolo gwa VAT mu nkola ya EFRIS baalinnyisizza omuwendo gwa ssente kwe balina okutandikira okukozesa enkola eno okuva ku bukadde 150 okutuuka ku bukadde 250.
- Okwongera amaanyi mu malwaliro amakulu agawa obujjanjabi obw'enjawulo n'okugongeramu eddagala eryetaagisa biweereddwa obuwumbi 556 n'obukadde 78.
- Bannabyamizannyo nabo balidde anti okwetegekera obulungi empaka z'ekikopo kya AFCON ekigenda okuyindira mu ggwanga kiteereddwamu obuwumbi 496.
- Okuddaabiriza n'okulabirira enguudo za KCCA, emyala n'okugirongoosa nabyo biteereddwako obuwumbi 111.
- Okuliyirira abaafiirwa ente mu bitundu by'obukiika kkono n'obuvanjuba okuli; Teso, Acholi ne Lango kwakumalawo obuwumbi 1,000. Buli maka gagenda kufuna obukadde butaano.
- Abantu abali mu bifo awagenda okuyisibwa oluguudo lwa Kampala Jinja Express way oluwerako kiromita 338 bagenda kuliyirirwa obuwumbi 338.
- Gavumenti era egenda kugula ettaka eriwezaako obunene bwa hectare 381 bakolereko pulojekiti ez'enjawulo mu kaweefube w'okwewala okutataaganyizibwa.

## Abantu kye bagamba


Violet Namirembe; Engeri gyebongeddemu ku ssente z'abakyala kijja kuyambako mu nkulaakulana naye tusaba n'ebirala byongerwemu ssente.


Hasifah Nakandi Mukiibi; Tuli basanyufu nnyo nti enteekateeka z'abakyala zongeddwaamu ku ssente era tusuubira nti kigenda kwongera ku nkulaakulana yaabwe.


Abdallah Mukalu e Luzira; Enteekateeka zino ziyamba nnyo era bweziba nga zaayongeddwaamu ku ssente ekyo kirungi kubanga ababadde beetaaga ssente zino babadde bangi ate nga zo ntono.


Fred Obbo; Engeri gye bongeddeko ku ssente basaana bongere n'okulondoola abazifuna. Ssinga zirondoolwa ne zituuka ku bantu bonna zijja kuyambako nnyo.